# Bukedea ekuba temanyi njaga

Bya JULIUS KAFULUMA

**Omupiira (abalenzi);**
Bukedea 1 (4) Menta SS 1 (2)
**Abawala;**
St. Noa 0 (5) Kawempe 0 (4)

**Basketball 5x5;**
Abalenzi: Buddo SS
Abawala: St. Marys Kitende

**Basketball 3x3;**
Abalenzi: Seroma
Abawala: Mvara SS

**Volleyball;**
Abawala: Bukedea
Abalenzi: Bukedea

**Handball;**
Abawala: Gombe SS
Abalenzi: Gombe SS

**Rugby;**
Abalenzi: London College
Abawala: Nkoma SS

**Okubaka:** Buddo SS

JULIUS KAFULUMA




Omukungu wa Bukedea Comprehensive High, Katende Malibu ng'akulembedde ttiimu yaalyo okujaganyiza ekikopo ky'omupiira ogw'ebigere.

BUKEDEA Comprehensive School ery'e Bukedea mu buvanjuba bwa Uganda lyalidde mu masomero ga siniya olugaayu bwe lyetisse ekikopo ky'omupiira ne volley mu mpaka z'agalina enkizo mu mizannyo (USSSA Elite Games).

Emizannyo gino egyamaze ennaku essatu nga giyinda ku St. Janan SS e Bombo, gyawedde ku Ssande n'okukwasa abawanguzi abenjawulo ebirabo.

Mu mupiira, Bukedea yakubye Menta SS ey'e Lira (4-2 eza peneti) oluvannyuma lw'okugwa amaliri (1-1) mu ddakiika 90 nga Bukedea yateebye ey'ekyenkanyi mu ddakiika ebbiri ezaayongeddwaamu.

Bakyampiyoni b'eggwanga aba Buddo SS, ne St. Mary's Kitende, abakyasinze okuwangula empaka z'eggwanga ez'omupiira, ku luno tebyabatambulidde bulungi nga bombi baawandukidde ku 'quarter'. Buddo yakubiddwa Fort Portal ate Kitende yaggyiddwaamu Bukedea mu peneti.

Wabula bombi beesasulizza mu baskeball, Kitende bwe yatutte ekikopo ky'abalenzi ate Buddo n'esitukira mu ky'abawala nga buli omu yakubye munne ku fayinolo.

Buddo yayongedde okulumya Kitende bwe yagikubye ku fayinolo y'okubaka (88-76) ne yeddiza ekikopo omulundi ogwokuna oguddiriŋŋana. Mu mupiira gw'abawala, St. Noa Girls yakubye Kawempe Muslim mu peneti ne yeddiza ekikopo.

Emizannyo egiddako 'National ball Games' gigenda kubeera ku Seroma Christian High e Mukono ku nkomerero ya April.